**335/2**
**Luganda**
**Paper 2**
**Time:2 ½ hours**

**UGANDA CERTIFICATE OF EDUCATION**
**PRE-REGISTRATION EXAMINATIONS 2016**
**LUGANDA 335/2**
**TIME: 2 ½ HOURS**

**(OKUSOMA BWINO, EBYOMUWANGWA NE LITULICIA)**

**Ebigobererwa:**
- Olupapula luno lulimu ebitundu bisatu A,B ne C.
- Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu A ne B.
- Mu kitundu C, ddamu ebibuuzo bisatu(3) byonna.

## EKITUNDU A

1. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

Ensi yonna okukula n'okugenda mu maaso erina okuba n'abantu abagunjufu. Obugunjufu kitegeeza abantu ababanguse mu ndowooza, endaba n'enkola y'ebintu. Omuntu omugunjufu amanya ekisaanidde okwogera, okukola ate oluusi era ne ky'atasaanidde kukola.

**Abagwira** bwe batuuka mu Buganda awo mukyasa eky'ekkumi n'omwenda baasanga abantu abaali ku ddaala ly'obugunjufu eryabeewuunyisa. Beewunya entereeza y'obukulembeza, ennyaniriza y'abagenyi, enneeyisa, enguudo ennungi ezaagendanga ku kibuga, enimba y'amayu, enzizi engogole obulungi n'ebirala bingi.
Beewuunya kubnaga ku ssemazinga wa Africa abantu baali batono nnyo abaali batuuse awo mu budde obwo.

Bangi baali bakyayita **bukunya,** abalala tebaalina bukulembeze butegeerekeka, abandi nga babungeeta bubungeesi, ate waaliyo abaali beeyisiza ddala kumpi ng'ensolo.
Abaganda boogerwako ng'abaali abagunjufu kyokka tebaali bayigirize mu ntegeera y'obuyigirize nga bwe buli mu Nsangi zino. Obuyigirize kati

butegeeza kugenda mu ssomero era n'okubangulwa okundera ku ssomero era okusangibwa mu bitabo.

Obugunjufu obwedda bwafunibanga mu maka, mu bisakaate by'abaami ate ne mulubiri eri abatono abasiingibwangayo. Empisa ez'obuntubulamu, enkola y'emirimu, ebyafaayo n'obulombolombo mu Lubiri. Naye ate obugunjufu bwe gattamu n'obuyigirize buno obw'essomero. Obugunjufu obutaliimu kusoma na kuwandiika bubeera tebutukiridde. Newankubadde bajjajjaffe baatuulanga ku byoto ne banyumya abyaliwo tewali kubuusabuusa bingi ebigenda berabirwa olw'akakeesedde k'emyaka egigenda giyitawo. Bonna abo be tulaba ng'abazira mu byafaayo by'Abazungu, no'kuba **byagingibwagingibwa** okwongera ettutumu mu bantu abo, naye tetusobola kubiwakanya kubanga tetulinaayo bujulzi bukontana nabyo.

Ekyokulabirako kiikino: bagamba nti bakabaka ba Misiri ab'edda ennyo, n'abantu baamu abaali abasaale ennyo mu bugunjufu bw'omuntu (anti be baavumbula okuwandiika, okulaba, obukulembeze obulambulukufu, amagezi g'omu bwengula n'ebirala) baali bakaddugala.
Kyokka emirembe bwe gyagenda giyitawo n'abalangi endala ne **balya ensi** ebyo ebyawandiikibwa bitulowoozesa nti obugunjufu bw'omu Misiri obwedda bwaleetebwa beeru. Tewali buwandiike bulambulukufu kwe tuyinza kunywereza ekigambibwa nti abaddugavu be baaleetaera ensi eno obugunjufu, anti n'ebyo bye baayiiya ebyasookera ddala tebyawandiikibwa mu bwino ayinza kujulibwa mu budde buno bisobole okutumala empaka.
(kisimbuddwa mu C.P.Mayiga, (2013): Buganda ku ntikko)

**Ebibuuzo:**

a) Lwaki Abaganda bayitibwa bagunjufu? (obubonero 7)

b) Nsonga ki ankulu omuwandiisi gy'awadde okupimirwa obugunjufu bw'omuntu ennaku zino? (obubonero 2)

c) Nnyonnyola ebifo Abaganda we baabangulirwanga okubeera abagunjufu. (obubonero 3)

d) Omuwandiisi atulaze bantu ki abaakiikirivu mu byafaayo by'abagunjufu? (obubonero 2)

e) Omuwandiisi akozesa lupimo ki okutumanyisa omuntu omubisi? (obubonero 3)

f) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu kino. (obubonero 4)

- Bukunya
- Byagingibwagingibwa
- Balya ensi
- Abagwira

**Ku buli kibuuzo(g, h, I, j), koppolola ekyokuddamu ekisingako obutuufu.** (obubonero 4)

g) Lwaki abafirika abasing baali batwalibwa okuba emabega mu by'ekigunjufu mu kyasa eky'ekkumi n'omwenda?
i) Abantu baali batono
ii) Abantu baali tebasooma
iii) abagwira baali tebanajja
iv) Lwa nkola etaali ya mulembe

h) Omuwandiisi atwolese atya abunafu bw'ebiwandiiko?
i) Oluusi bibaamu obulimba
ii) Biva ku mulembe
iii) Bikontana
iv) Bikyusibwakyusibwa

i) Omuwandiisi abuusabuusa ki ku bagwira?
i) Baalina obufuzi obutali bulambulukufu
ii) Baja ne baawamba amawanga g'Africa
iii) Oluusi beepaatikako obugunjufu obutaali bwabwe
iv) Baleeta okuwandiika

j) Mutwe ki ogutuukira ku kiwandiiko kino?
i) Abeera mu Uganda
ii) Obugunjufu
iii) Obukulu bw'okusoma
iv) Buganda ku ntikko

**Soma emboozi wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo.**

## EKITUNDU 3

Ddamu 2(a) ne 2(b)

2. a) Maliriza engero zino nga bwe zoogerebwa. (obubonero 10)
 i) Ayeeyereza omunafu

ii) Akamira eyiye ……………………………………………………………………

iii) Akuba owuwe …………………………………………………………………

iv) Asuubira ………………………………………………………………………

v) Atalukutambulire ………………………………………………………………

vi) Atabyetisse ..........................................................................

vii) ............................................................................ taba muti

viii) Eyeesitukidde ......................................................................

ix) Akabimbi akatono.....................................................................

x) ............................................. ogyambalako eddiba.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

2. b) Nyonnyola amakulu g'engero zino ag'omunda. (obubonero 5)
i) Addiŋŋana amawolu, y'agaggyamu omukutto.

ii) Omwogeza bboggo, ensawo ye aligyambalira.
iii) Omweyogereze takusuuza kayanzi ko.

iv) Abikka ebibiri, tabojjerera.

v) Lubaale mbeera, nga n'embiro kw'otadde.

## EKITUNDU C

Ddamu ebibuuzo bisatu(3) byonna.

**C. Kalinda: Pawulo Kirimuttu**

3. Singa ggwe ogenda okuwa obubaka ku maziika ga Pawulo Kirimuttu, nsonga ki ze wandyesigamyeko okumatiza abakungubazi nti omugenzi asana kujjukirwanga? (obubonero 20)

**Robert .G. Mukasa: Tokiiya ŋŋonge nto.**

4. weesigane ku binyumizibwa mu katabo Tokiiya ŋŋonge nto olage engeri omuwandiisi gyatulazeemu enneyisa y'abavubuka etazimba.(obubonero 20)

**Wycliffe Kiyingi: Gw'ossusa Emmwanyi.**

5. Laga engeri omuwandiisi wa gw'ssusa gy'azimbamu abazannyi bano; (obubonero 20)

- Ssekalegga
- Musoke
- Ntonio
- Ritah

******END******